

CBM Uganda

ABOLUGANDA MU YESU

EBIKULU MUMAZIMA GA BAIBULI

Okubatiziibwa

KI KYEKUTEGEZA NA MAKULU GAKWO

Bwonomala okusoma akatabo kano ojjakuba ng'omaze okufuna okudiibwa mu eri ebibuzo bino wansi:

1. Abogoberezi ba Yesu Kristo abasooka babatizzibwanga oba nedda?
2. Kiki Baibuli kyetubulira ku ku batizza.
3. Makulu ki agali mukubatizza.
4. Lwaki nandyetazze okubatiziibwa?
5. Lwaki nandigondede ebiragiro bya Katonda?
6. Kiki ekingwanide okukola kati nsobole okubera mu bwakabaka bwa Katonda obutugwawo?

1) ABAGOBEREZI BA YESU KRISTO ABASOOKA BA BATIZZIBWANGA?

Yee, Abagoberezi ba Yesu abasooka babatizzibwanga. Lwaki? Kubanga Yesu yalagira bwatyo. Era lyali erimu ku mateeka g'eyawa. Okubatizzibwa lyali kubo abantu mwebalagiranga nti bakirizza Yesu n'ensomesa ye. Buli omu kuba kyusibwanga yafukanga wakibiina ekyabantu ekyenjawulo ekyabayigirizza. Ababuliranga ekigambo kya Katonda era nga batunuliira okukomawo kwa Yesu Kristo kungsi.

Oyinza okufumintiriza omusajja okukiriziibwa mu majje egesi yonna, ng'atetakirizaganyiza na biragiro bya mudumizi omukulu? Yesu Kristo omukulu wa bagoberezibe agamba nti "Bwoba ng'ojagala wandigoberede amateeka gange" (Yokaana 14:15). Anti era ayongeraga nagamba nti, "Abo abawuliira enjiri - amawulire agessanyu ago kusomesakwe ne ba batiziibwa balilokolebwa" (Makko 16:16). Tulina okutwala ekigambo kya Yesu bwetuba nga twagala atukirizze. Okubatizza tteeka eriwonya obulamu okuva eri Yesu Kristo. Phillipu omu kubatume yakirizza kino. Ya buliira mu samaliya nokwanguyirwa era nti "bwe bamukiriizza Ye namawulire ge agesanyu agakwata ku bwakabaka bwakatonda nerinya lya Yesu Kristo awo abasajja na bakazzi ne babatizzibwa (Bik 8:12). Obubaka bw'okukirizza ekidirira okubatiziibwa, kye kinyussi ky'endagano empya.

2) KIKI BAIBULI KYETUBULIRA KUKUBATIZA

Enaku zinno, amakanisa mangi gamansiirizza abana abato kumutwe kuno ne bakuyita okubatizza! Naye kino si kwe kubatizza kwe tusoma mu Baibuli. Baibuli yo bweba nga eyogera ku kubatiizza etubulira ku bantu abakulu abasajja n'a bakazi abamaze okwesalirawo. Banno bali nga bagala okugoberera Yesu mukama waffe era babatizzibwe. Era banyikibwa mumazzi. Kuno kwe kubatiizza kwe biseera bya Baibuli nga bwekwalinga.

Ekyokulabirako ekirungi okukakasa kinno, kiri mu Bik 8. Phillipu yayogera no mullaawe omusopia. Ya mubulira amawulire amalungi eg'essanyu aga Yesu (akanyiriri aka 35).

Sikyakubusabusa bwe balli nga bogera, baali basitudde amazzi ag'olugendo lwabwe agokunywa. Kyandibade kyangu Phillipu okumansiriza ku mutwe ggw'omulaawe. Naye omulaawe ono bwe ya kirizza ebigambo ebikwatagana ku Yesu Phillipu byeyali amusomesa ne batuuka awali amazi" (akanyiriri 36). Awo omulaawe nagamba Phillipu nti : "Laba, amazzi gaagano : Kiki ekindobera okubatizzibwa?" Kale bombi nebakka wansi mumaazzi, Phillipu n'omulaawe, era namubatiizza. Bwebava mu mazzi.omulaawe. Nangenda nga musanyufu.

3) MAKULU KI AGALI MUKUBATIZZA

Lwaki - kyetagisa okubutikiirwa na maazzi bwetuba nga tubatizzibwa? Katonda yalonda engeri eno eyo kunyikibwa mu maazzi kubangaty. Y'engeri yoka eyamanyi Etutegezza nti ebibi byaffe birina okusonyiyibwa. Abakirizza bakiraba nti betagasibwa okulokolebwa mu kibi nti era betaaga ekisa kya Katonda. Bagenda wansi mumaazzi mukubatiiziibwa, ne baleka enkola y'obulamu enkadde gyeabadde batambuliramu. Era mukubatizzibwa, abakirizza befananya n'o kuffa kwa Yesu Kristo, eya tufiriraffe abononyi.

Nga Yesu bweyazukuzibwa mu baffu, nabo bazukira mu mazzi g'okubatiziibwa "okutandiika obulamu obupya" (Abaruumi 6:4).

Kati abagoberezi bafuke baana ba Katonda, nga era bagala okumusanyusa Ye. Bwe bakikola kino, Alibawa ekirabo ekikulu eky'obulamu obwoluberera. Kino kigenda kubera nga Yesu akomyewo okufuga ensi (Lukka 1:32, 33). Tekyewunyisa kubanga Yesu yatwala okubatizza ng'ekintu ekikulu enyo.

4) LWAKI NANDYETAZE OKUBATIZZIBWA

Wetaaga okubatizzibwa kubanga ng'abantu bonna, offa. Twafuna empera y'ekibi. Paulo atubulira nti "Empera yekibe kuffa (Abaruumi 6:23). Awatali Katonda okuffa y'enkomerero.

Abantu balina omuzze omubi enyo ogwobotagala kulwoza ku bintu ebyamakulu bye bataagala. Okuffa kye kimu kubintu binno. Amawulire egressanyu gali nti mukama atuwa obulamu obutagwawo; naye ku nkola ye. Ekyo kirungi kubanga Yaawa obulamu. Petero atugamba nti; mu Bikolwa bya batume 2 ne 3, tulina okutwala amaddaala attano ago bulokozi. Gegano:

- a) Kirizza Yesu Kristo n'obubakabwe.
- b) Wenyenye (kyusa endowozayo okukitegeera nti wetaga Katonda n'okosonyiibwa kwe).
- c) Kyusibwa (kyuka era otambule ng'odda ewa Katonda).
- d) Tugondere Yesu nga twagala ebibi byaffe bitunazibweko mukubabatizzibwa.
- e) Nywerera mumazima mungeri ya Katonda (Bik. 2:27-42; 3:18-21).

Katonda akuuma ebisubizo bye. Talitulekulira nakatono. Nga Yesu bwagamba, "Tewali n'omu ayinza okuzinyinkula mu mukono gwa kitange" (Yokaana 10:29).

5) LWAKI NANDIGONDEDE EBIRAGIRO BYA KATONDA?

Okuva mukitabo ky'oluberyebereye okutuka ku kubikulirwa, Baibuli egamba nti Katonda mumalirivu. Okugondera, ebiragiro bya Katonda kireta obulamu, ate obujeemu buleeta okuffa. Katonda bulijjo ategezza kyaba agamba.

Nuwa yabulira enjiri eri abantu ababi abo mulembe gwe (Lub. 6). Balina okusalawo okukirizza obubaka bwa Nuwa okwenenyan'okosonyiibwa, oba obutafaayo bazikirire. Tebafayo era ne bazikiirira. Katonda teyakyusa ndowoza ye. Era ne Nuwa yalina ekyokusalawo kye. Ng'asobola okuzimba eryatto nalokolebwa, oba okuleka ekigambo kya Katonda. Naye yazimba eryatto. "Nuwa ya kolera ddala biri Katonda bye ya mulagira" (akanyiriri 22).

Nuwa kubanga yali muwulizze eri Katonda yalokolebwa.

Kale ffe bwetugaana ekiragiro kyakatonda ekyo kubatizzibwa tuba tusalawo kuffa sosibulamu. Owe komera e Phillipu yabuza Paulo ne Sirasi nti: "Bassebo kiki kyensanidde okukola ndokoke?" (Bik. 16:30). Ekyokumudamu kyali kino nti "Kirizza Yesu mukama onolokoka". Yakirizza era na batizzibwa. Yesu mwenyini ne wankubadde nga yali Si mwononyi, ya batiziibwa. Yagamba nti "Kitugwaniide ffe okukola okutukirizza Katonda byayagala" (Matayo 3:15).

Olowoza kyandisanye ffe obutabatizzibwa - abononyi ate nga Yesu yakukola? Tulina okumugoberera ngeri ye, mukino, ng'era bwetukola ebirala.

6) KIKI EKINGWANIDE OKUKOLA KATI NSOBOLE OKUBERA MU BWAKABAKA BWA KATONDA OBUTAGWAWO?

Okunyumirwa obulamu obwoluberera kungsi, olina okutwala amadaala atanno ogobolokozi, gona gona.

Ekyawandiikibwa mu Bikolwa bya Butume 10 ekikwatagana ne ku koluneeriyo kiraga nti okubera omuntu omulungi, awatali kubatiziibwa tekimala.

Petero yalagira Koluneeriyo okubatiziibwa mu linya lya Yesu Kristo (akanyiriri 48). Okubutiziibwa kwe kutandiika obulamu obujja obuli kuletera essanyu eringi. Era okuwa obulamu bwo ekigendererwa ekigya. Mungsi etenategereka Katonda owe mirembe ali kuwa emirembe.

Olimugezi ekimala okugoberera etteeke lya Yesu Kristo okukirizza no batiziibwa? Nga emikisa mingi egyikulindiride bwoba nga bwekityo bwoli. Katonda ajja kukuwa omukisa gw'obulamu obw'oluberera, nate Yesu bwaba nga akomyewo okukola obwakabaka bwe mungsi.

"Empera ye kibi kwe kuffa naye ekirabo kyakatonda bwe bulamu obutagwawo mu Yesu Kristo" (Abaruumi 6:23).

Bambi tutegeze obanga wandyetazze okumanya ebisinga wo ebikwatagana ku Baibuli ne ku B'oluganda mu Yesu. Era obanga oyagala bino:

- Obutabo obulala kubino
- Akatobo ke bayita Bebaani obuluganda mu Kristo?
- Akatabo ke bayita Amawulire ag'essanyu akabulimwezi.
- Okusomesebwa ku Baibuli nga tuyita mu kasanduko ka posta ko?

Webuzzeko eri Aboluganda mu Kristo abakuli okumpi oba wandiikira:

Christadelphian Bible Mission (Uganda), 404 Shaftmoor Lane, Hall Green, Birmingham, B28 8SZ.
CBM Office (Uganda), PO Box 725, Jinja, Uganda.